# Ebigendererwa by'okusomesa



Ensomesa yaffe erina kuvugibwa kigendererwa kyaffe.

Nina kigendererwa ki mu kubeera omusomesa? Bwe mba mmalirizza okusomesa kiki kye mba njagala okuba nga ntuuseeko?

Bwe tumala okumanya ekigendererwa kyaffe, tulina okukyusa mu nkola yaffe tusobole okutuuka ku kigendererwa ekyo.

Naye, abantu abasinga baba n'ekigendererwa ekituufu naye ne batakyusa nkola yaabwe kutambulira ku kigendererwa ekyo.

Ebiseera ebisinga wabaawo omuwaatwa omunene wakati w'ekyo kye twagala okutuukako n'ekyo kye tuli mu kukola.

Twasikira ekigendererwa. Kyatuweebwa ekkanisa oba abasomesa abazze basomesa mu kkanisa yaffe emyaka egiyise.

Ekigendererwa kyaffe kitera kuba kusomesa Baibuli eri abaana oba okusomesa abaana Baibuli.

Njawulo ki eriwo?

## Okusomesa Baibuli eri abaana

Mu nkola eno, Baibuli tugikulembeza okusooka abantu ne balyoka baddirira. Amasomo geegasooka, abasomi bajja luvannyuma. Enkola eno tekwetaaza kukozesa bukodyo, kussa mu nkola oba okukuba ebifaananyi ebiyamba abantu okuyiga n'ebirala. Ng'abasomesa ekitwetaaza kwe kuba nga tumanyi Baibuli ennyo okusinga abayizi baffe era ne tugibasomesa. Obudde bwe buggwaayo n'okomya okusomesa.

## Okusomesa abaana Baibuli

Enkola eno yo essa essira ku baana. Abaana abali mu kibiina kyange beetaaga okumanya Baibuli? Kino kitegeeza nti tulina okukozesa obukodya, okwagala okw'amaanyi era n'okuba abasomesa abalungi. Njagala nga bwe mba mmalirizza, abaana babeere nga bamanyi Baibuli. Kino kigendererwa kya buvunaanyizibwa. Si kigendererwa kibi.

**Naye waliwo ekigendererwa ekirala ekisinga ku bino.**

Bw'oba wa kwogera mazima, okimanyi nti amakanisa gaffe gonna galina ebizibu. Naye ebizibu ebiri mu kkanisa yo tebiri wakati w'abakkiriza n'abatakkiriza. Nedda. Ebizibu ebya ddala mu makanisa gaffe biri wakati w'abakkiriza. Amakanisa tegalina bizibu lwa kuba nti abantu tebamanyi Baibuli emala. Amakanisa galina ebizibu kuba abantu TEBAGIKOLERAKO!

Amakanisa tegalina bizibu kuba nti tegawuliranga ku lugero lw'omuweereza atasonyiwa. Amakanisa galina ebizibu kuba abantu TEBAWANGAALIRA ku nkola Yesu gye yalaga mu lugero olwo.
Singa okukula mu mwoyo kwali kutambula na kumanya Baibuli, ebigendererwa ebibiri bye tumenye waggulu byandibadde bimala.

Bw'oba oyagala obujulizi, tunuulira Abafalisaayo!

Matayo 23:15-16, 27-28

*Yesu yabagamba nti, "Ziribasanga mmwe, abawandiisi n'Abafalisaayo, bannanfuusi kubanga mwetooloola mu nnyanja: ne ku lukalu okukyusa omuntu omu naye bw'alabika, mumufuula mwana wa Ggeyeena emirundi ebiri okukira mmwe. Ziribasanga mmwe, abasaale abazibe b'amaaso!*
*"Ziribasanga mmwe, abawandiisi n'Abafalisaayo, bannanfuusi kubanga mufaanana amalaalo agasiigibwa okutukula, agalabika ku ngulu nga gawoomye, naye munda mujjudde amagumba g'abafu, n'empitambi yonna. Bwe mutyo nammwe ku ngulu mulabika mu bantu nga muli batuukirivu, naye munda mujjudde obunnanfuusi n'obujeemu."*

Okukula mu mwoyo tukukakasiza ku kussa mu nkola. Singa twali tukulabira ku kumanya, Abafalisaayo bandibadde tebavumirirwa Yesu. Ekituufu kiri nti tewali mukisa guli mu kumanya.

Yesu ayagala bikolwa. Tanoonya malaalo gasiigiddwa kutukula.

*Yakobo 1:22 "Naye mubeerenga bakozi, ba kigambo, so si bawulizi buwulizi, nga mwerimbalimba."*

Tunuulira eky'okulabirako kino nakyo ekiri mu Yakobo:

*Yakobo 1:23-24 "Kubanga omuntu yenna bw'aba omuwulizi w'ekigambo, so nga si mukozi, oyo afaanana ng'omuntu eyeerabira amaaso ag'obuzaaliranwa bwe mu ndabirwamu: kubanga yeeraba n'agenda, amangu ago ne yeerabira bw'afaananye."*

Okutunula mu ndabirwamu, ne weekaanga, naye ate n'omala n'otambula tekiyamba.

Okumanya si ky'amakulu. Yesu ayagala tuwangaalire ku mazima agali mu Baibuli, wabula tuleme ku gakwata bukwasi mu mutwe. Omugaso gwokka oguli mu kumanya amazima gubaawo singa okumanya kukuyamba okugassa mu nkola.

Kino tuyinza okukilerako mu ngeri bbiri.

1. **Abaana betusomesa:**
   Abaana okukwata n'okuyiga ebintu tekigasa. Okumanya tetukubala. OKUWANGAALIRA ku Baibuli ky'ekikulu! Tulina okubasomesa mu ngeri ebawa amaanyi n'obuvumu okussa mu NKOLA.
2. **Obulamu bwaffe ng'abasomesa:**
   Okumanya engeri y'okubeera omusomesa omulungi tekigasa. Okumanya kiki ky'olina okukola si ky'amakulu. Okukikola ky'ekikulu.

Okussa mu nkola kwe KUKULA! "Okukola" ky'ekikulu!
Enjawulo eri mu kukola so SI mu kumanya.
Bwe tuli tuuka mu ggulu, tewajja kubeerayo bigezo bya Baibuli. Tujja kulamulwa okusinziira ku ngeri gye twawangaalamu, naye tetujja kuweebwa bigezo bikwata ku Baibuli.

Kino kitegeeza nti enkola yaffe erina kwesigama ku kuzzaamu abayizi baffe amaanyi n'okubatendeka OKUKOLA kiki Baibuli ky'egamba! Ekyo ky'ekiretawo enjawulo mu nsi era n'okukula kw'omwoyo kwe tukulabira.

Kino abasomesa ba Ssande Sikuuru kibakwatirako wwa?

**Ekigendererwa kya Ssande Sikuuru kirina kubeera kuyigiriza baana engeri y'okuwangaala mu bulamu obuwa ekifaananyi ky'empisa, enkola n'amazima ga Baibuli.**

Eno ensomesa yo nkalubo era yeetaaga okussaamu obukodyo. Yeetaaga ebigambo bitono naye obulamu bungi. Erimu eby'okukola bingi. Somesa kitono okubawa ekingi.
Kisiingako okusoma ekitono ne mukidding'ana emirundi n'emirundi mpaka nga mukitegedde era ne mukissa mu nkola.

Biki ebikulu abaana baffe bye beetaaga? Ddayo era muddemu mubitunuulire.
Mukwata ku kitono, naye ne muyiga kingi. Abayizi bo obaleetera okussa ennyo mu nkola.
Mu kaseera kano mu bulamu, kiki kye bagenda okukemebwa obutakola era biki bye beetaaga okukola? Engeri gye tuli mu lutalo, tetwetaaga mawulire gatalina mugaso.

Bw'oba oli nange mu kussa Baibuli mu nkola mu bulamu bwaffe, kankuwe ebirowoozo 5 ebijja okukuyamba okukola ekyo mu buli kibiina ky'onoosomesa. Weebuuze, kiki abayizi bange kye beetaaga okumanya, lwaki beetaaga okukimanya, balina kukikolera ki, lwaki balina okukikola, era nyinza ntya okubayaba okukikola?

*1. Abayizi bange kiki kye beetaaga okumanya?*

**Amawulire**

Guno gwe MUGUGU gw'olina okutikkula.

*2. Lwaki abayizi bange kino balina okukimanya?*

**Ekiruubirirwa**

Kino kyekisumuluzo ky'okussa obukambwe mu nnyanjula yo. Singa osobola okwanukula ekibuuzo kino, kijja kukuwa omukka. Singa b'ogenda okusomesa tebaba bamativu ku nsonga lwaki balina okumanya ebyo by'onaatera okubagamba, bajja kulaba nga temuli makulu.

*3. Kiki abayizi bange kye balina okukola?*

**Okussa mu nkola**

Bawe obulimu bw'okutwala awaka. Abayizi bo bagambe bawandiikire bazadde baabwe amabaluwa nga babeebaza olw'ekintu kyonna. Kiki kye nsobola okubagamba okukola ekibayamba? Kiki kye tuba tukola ekiyinza okubatwaala ku mutendera oguddako?

*4. Lwaki abayizi bange kino balina okukikola?*

**Obwagazi**

Teeberezaamu singa ffena twagala "abalabe" baffe ku ssomero nga Yesu bwe yatugamba okukola. Eno y'ensonga LWAKI twetaaga okukikola. Teeberazaamu singa FFENNA tutandika okukikola. Tuula n'abayizi bo mwogere ku nsonga eno. Bazzeemu amaanyi, mulootere wamu era obaleetere obwagazi bw'okussa mu nkola.

*5. Kiki kye nsobola okukola okuyamaba abayizi bange okujjukira?*

**Okudding'ana**

Abayizi bo bawe ekintu ekinabayamba okujjukira bagende nakyo awaka. Okugeza, buli omu muwe akamuli omugambe afune w'akassa era akaleke kakale. Akatunuulire nga kafa. Kozesa akamuli kano akakaze ng'ekijjukizo ekiraga kiki ekituukawo singa tofaayo ku mukwano gw'oba olina n'omuntu! Ssaamu obukodyo! Kozesa kaadi eziriko olunyiyiriri lw'okujjukira, ebintu bya pulastika ebitali bya bbeeyi nnyo, CD okuli ennyimba oba obubaka, n'ekintu ekirala kyonna ky'oba ofunye okubajjukiza.

Buli gy'oneeyongera okussa essira ku kussa amasomo mu nkola mu bulamu, ojja kwesanga ng'okyusizza engeri gy'osomesaamu ekibiina kyo okutuuka ku kigendererwa. Amagoba amalala ge nnafuna mu kusomesa ng'essira nditadde ku kuleetawo enkyukakyuka mu bulamu bw'abayizi bange, nange neesanga ng'obwange bukyuse.

N'olw'ekyo, tulekere awo okwekwasa , okukeereya, okwemulugunya, okuloota, okutolotooma, okukaaba, okulowoonza nti tetusobola, okweraliikirira, okulinda mpaka nga tumaze okukula oba okulungiwa, okugaggawala, okufuna obuvumu oba okukuguka. Wabula, leka tukalube, tunywere, tusabe essaala, tukole entegeka era tukikole.

Mu kifo ky'okusomesa Baibuli eri abaana, oba okusomesa abaana Baibuli; tujja kuyigiriza abaana OKUWANGAALIRA ku Baibuli!

*Oyo agezaako ayinza okulemererwa naye oyo yenna alemererwa okugezaako aba yamazedda okulemererwa.*

Goals for Teaching
Luganda
20132

www.ChildrenAreImportant.com
info@childrenareimportant.com
We are located in Mexico.
DK Editorial Pro-Visión A.C.

Abaana Kikulu